nkubuuzeyo ekibuuzo

Waliwo
omuntu yenna
eyakwaata
Baibuli
n‘akuyigiriza
engeri gyoyinza

OKUTEGEERA

ddala ddala nti ojja
kugenda mu ggulu?

Baibuli erina amawulire ga mirundi ebiri:

Amawulire ag'Ennakku

era

Amawulire ag'Essanyu

Amawulire ag'Ennakku gakwatagana **NAWE.**

Amawulire ag'Essanyu gakwatagana ne **KATONDA.**

Okusooka katwekeneenye Amawulire ag'Ennaku...

Amawulire ag'Ennaku Agasooka

Gwe oli mwononyi ddala.

Abaruumi 3:23 agamba bwati: *"Kubanga bonna baayonoona, ne batatuuka ku kitiibwa kya Katonda."*

Okwonoona kitegeeza nti tubuuse olukomera. Bwetulimba, bwetukyaawa, bwetwegomba,
oba bwetutambuza olugambo, tuba tetutukiriza eneyisa Mukama Katonda gyayagala.



Lowooza ku kino:
Gwe, nange tuyinza
okukasuka amayinja
nga tugezaako
okukuba ebire ebiri
mubbanga. Gwe
oyinza okukasuka
okunsingako naye
teri nomu kufe ajja
kusobola kukikola.

Baibuli bwegamba
nti: *Ffenna twononye,* kitegeeza
nti ffenna tulemeddwa okutuuka
kumutindo nobutukirivu bwa Katonda.

Mu birowoozo, mubigambo, era
nemubikolwa, tetubadde batukirivu
nakamu n'akatono!

**Nate Amawulire ag'Ennaku geyongera
kuba mabi nyo...**

Amawulire ag'Ennaku ag'Okubiri

Ekibonerezo ekyobwonoonyi kwe kuffa.

Abaruumi 6:23 agamba bwati: *"Kubanga empeera y'ekibi kwe kuffa."*

Lowooza ku kino: Singaanga mba nkuwadde omulimu okunkolera, bwomala okugukola, nenkusasula 500/- shs. Kino kitegeeza nti 500/- shs. gwe musaala gwo era kwekusasula kwo.

Baibuli etutegeeza nti *bwetuba twonoonye, empeera getufunna kwe kaffa.* Kino kitegeeza nti tuba tusaanidde okufuna ekibonerezo ekyokuffa era tuba tweyawudde okuva ku Katonda emirembe gyona.

Naye...

Olwokubeera nti waali tewali ngeri yonna ffe abantu gyetuyinza kudda eri Katonda, Baibuli egamba nti Katonda ye yenyini yajja gyetuli!

Amawulire ag'Essanyu Agasooka

Kristo yakufiriira gwe.

Abaruumi 5:8 atutegeeza bwati: *"Naye Katonda atenderezesa okwagala kwe ye gye tuli, kubanga bwe twali nga tukyalina ebibi Kristo n'atufiirira."*

Lowooza ku kino: Singaanga obulwadde obwa kokolo bukukute gwe. N'otwalibwa muddwaliro nga ogenda kuffa obulwadde obwo. Nze nendyooka nzijja nenkug amba nti: "Owoluganda bakujjemu obuwuuka obwakokolo obuli mumubiri *gwo* babuteeke mumubiri *ogwange*."

Weebuuze, ekyo bwekiba nga kisoboka okukolebwa,

Kiki ekibeerawo ku gwe?

Kiki ekibeerawo ku nze?

Nze mba ntutte ekifo kyo nenkufiriira.

Nze mba ngenda kuffa, gwe nga ojja kubeera mulamu.

Baibuli etutegeeza nti Kristo yatwala ekibonerezo kyetwali tusaanira okufuna olwebibi byaffe, nakyetika Ye, era *naaffa kulwaffe.*

Bwewaayitawo ennaku ssatu, Kristo yazuukira, okukakasa nti ekibi kyobwononyi no kuffa yabiwangula era nti kitufu Ye Katonda.

Naye nga Amawulire ag'Ennaku bwegeyongera okuba amabi, Amawulire ag'Essanyu geyongera kuba amalungi!

Amawulire ag'Essanyu ag'Okubiri

Mukukkiriza Kristo oyinza okulokolebwa.

Abaefeso 2:8,9 agamba bwati: *"Kulwekisa [kyotasanidde yadde] walokolebwa [wagyibwaako ekibonerezo olwebibi byo] olwokukkiriza, era sikulwamwe benyini, naye ekirabo ekiva eri Katonda, si lwa bikolwa byamwe, era waleme okubeerawo omu kumwe eyenyumiriza muye kululwe."*

Okukiriza kitegeeza *obwesigwa.*

Ekibuuzo: Kiki gwe kyolina okwesiga mu Kristo?

Okuddamu: Olina okwesiga Mukama yekka okukusonyiwa gwe era nokukuwa obulamu obutagwaawo.

Nga bwewesiga entebe gyotuulako nekuwanirira nga tolina kululwo kyogikoledde, *kyekiva kikusaanira gwe okwesiga Yesu Kristo okukutuusa mu ggulu* nga tolina manyi gabuntu gokozeseeza kululwo. Naye oyinza okwewolereza nga ogamba bwoti:



“Bulijjo nze ngenda mu Kanisa okusiinza.”

“Nze siri mubbi.”

Ebyo ebintu ebimenyedwa wagulu byona birungi. Naye, okweyisa obulungi, akugenda akusiinza mu kanisa, okuyaamba abaavu, oba okukola ekintu ekirala kyona ekirungi, ekyo kyoka na kyoka tekiyinza kukutuusa mu ggulu n’akamu n’akatono. **Gwe olina okwesiga Yesu Kristo yekka, era Katonda ajja kukuwa gwe ekirabo ekyobulamu obutagwaawo!** Olina amakulu gonna gofunye mu ebyo byona?

Waliwo ensonga yonna ekugana okwesiga n'okukiriza Kristo okutandiika nekakano?

1. _____

2. _____

3. _____

4. _____

Werowooze bulungi nyo. Tewali kintu kikulu okusinga obwetaavu bw'okukkiriza n'okwesiga Kristo.

Oyagala okutegeeza Mukama Katonda nti kaati **okiriza era wesiga Yesu Kristo nga ye Mulokozi wo?** Oba nga okkiriza, lwaki tewewombeeka mukaseera kano notegeeza Mukama Katonda nti kakaati okiriza era wesiga Omwana We Yesu Kristo?

Jjukira kino!

Okusaba mukama kyoka tekiyinza kukulokola gwe. Okukkiriza ntokwesiga Yesu Kristo kujja kukulokola gwe. Okusaba y'engeri enyangu eyokutegeeza Katonda kiki kyoba okola.

"Katonda omulungi ennyo, nkimanyi bulungi nga ndi mwonoonyi. Nkimanyi bulungi nti olwebyonoono byange nsanidde kubonerezebwa. Nzikkirizanti Kristo yanfiriira era yazuukira mu bafu. Neesiga Yesu Kristo yekka nga ye Munnunuzi wange. Nkwebaza olwokunsonyiwa ebibi byange era n'okumpa obulamu obutagwaawo. Mu linya lya Yesu, Amiina."

Kiki ekibaddewo kaakati?

Yokaana 5:24 anyonyola bwati: *"Ddala ddala mbagamba nti Awulira ekigambo kyange, n'akkiriza oyo eyantuma, alina obulamu obutaggwaawo, so talijja mu musango, naye ng'avudde mu kufa okutuuka mu bulamu."*

» ***Owulidde*** ekigambo kya Katonda?
» ***Okiriza*** Katonda kyagamba era newesiga Kristo nga ye Mulokozi wo?
» Ebigambo ***alina obulamu obutagwaawo*** bitegeeza ki, mubiseera ebyomumaaso oba saawa eya kakano?
» Yokaana 5:24 agamba atya, nti: talijja mu musango ayinza oba obutayinza?
» Yokaana 5:24 agamba atya, nti: ayise mu kufa, oba aliyita mu kufa?

Obulamu obutagwaawo bweesigamye ku mazima so si kukulowooza.

Kaakati kwata olunyiriri (Yokaana 5:24) kigambo ku kigambo ku mutima gwo.

Kati kiki kyolina okokola?

Nga omaze okukkiriza nti Kristo lyekubo lyoka erikutuusa mu ggulu, olugendo lwo nga omwana wa Katonda, ojja kulutambula bwoti:

» ***Tegeeza*** Katonda ekyo kyona ekiri ku mutima gwo okuyita mu kusaba (Abafiripi 4:6,7).

» ***Soma Baibuli*** bulijjo (2 Timosewo 3:16,17). Tandiika ne kitabo y'Abafiripi.

» ***Genda osinze*** n'abantu ba Katonda mu kanisa ekuliraanye (Abebulania 10:24,25).

» ***Buliira abantu*** abalala amawulire ag'Omulokozi Yesu Kristo (Matayo 4:19).

Bwoba nga ovumbudde akatabo kano nga kamugaso, osabibwa okkawasa omuntu omulala.

Bwoba n’ekibuzo ekikwaata ku ebiri mu katabo kano buuza:

Evantell

The Gospel. Clear and Simple.

p.o. box 741417 | dallas, tx 75374
www.evantell.org | 800.947.7359

© 2007 evantell, inc.

Lugandan
TRMLG001